**2 ABASESSALONIIKA 2:1-12 - OBUBONERO BW’OKUDDA KWA YESU KRISTO BWA LWATU**

Mu kitundu kino tugenda kulaba nti Okuyigganyizibwa Okunene (*Great Tribulation*) kugenda kugobererwa okudda kwa Yesu Kristo era nti byonna Mukama yabitulaga ng’ekimu ku bigendererwa kwe kweteekateeka mu biro byonna.

**Vs1** Pawulo asaba Abasessaloniika okwetegereza bye yali agenda okubategeeza.

Ku nsonga y’okudda kwa Mukama waffe Yesu Kristo okusala omusango/okugaba empeera ng’abakkiriza bonna okuva mu bwagaagavu bw’ensi bakunganyiziddwa eri Mukama.

**Vs2** Abakkiriza baali basagaasagana mu magezi gaabwe nga beerariikirira olunaku nga lutuuse kubanga baasuubira nti lwali kumpi awo okutuuka. Abaasomesa bino bangi baagambanga nti balungamiziddwa Omwoyo, abalala nti balina ekigambo era n’abalala nti balina obubaka okuva ewa Pawulo ne banne nga byogera ku kudda kwa Mukama waffe Yesu Kristo.

**Vs3-4** Abakkiriza baalabulwa obutalimbibwa muntu n’omumu kigambo, mu bbaluwa oba mu mukutu gwonna.

Omulokozi tagenda kudda okujjako ng’embeera ezikulembera okudda kwe zimaze okubaawo

i) Wagenda kubaawo ebiro eby’obujeemu/okwawukana.
ii) Omwana w’okukkiriza/ow’okwonoona agenda kulabikako era ng’ono agenda kubeera n’obubonero buno;
    a) Okuvvoola Katonda/okukuddala/okujerega
    b) Okwegulumiza waggulu wa Katonda na buli kintu
    c) Agenda kweyita Katonda
    d) N’olw’ekyo ajja kutwala ekifo kya Katonda mu yeekaalo alagire okusinzibwa kwe.

**Vs5-6** Pawulo abajjukiza nti bwe yali nabo yabasomesa ebintu bino era ayongera okubateggeza nti omuntu oyo alina ekiseera mwe yali agendera okulabisibwa era ng’ekiseera kino tekinnatuuka yali tasobola kujja.

**Vs7** Obujeemu bwali weebuli mu mirembe gya Pawulo era buno bwali kitundu ku bujeemu bw’oyo omuntu w’obujeemu.

Obujeemu tebusobola kufuga wonna kubanga waliwo abakkiriza Mukama nga bafugibwa Omwoyo Omutukuvu era nga bano bakola be bakola ekkanisa. Naye ekkanisa bwelimala okusitulibwa olwo okuziyizibwa kw’omuntu  oli kuliba kuvuddewo.

**Vs8** Oluvannyuma ng'ekkanisa esituliddwa olwo omuntu oli ow'obujeemu alyoke abikkulwe lwatu naye ng'ekyaliwo mu biro bya Pawulo bwali butundutundu bw'ekyo ekyali kigenda okujja.

Omulokozi ng'ajja agenda kujja n'amaanyi kubanga w'amaanyi era ng'okubeerawo kwe kujja kuzikiriza eyeeyita ow'amaanyi ng'akozesa omukka gw'akamwake olwo okwakaakayakana kw'ekitiibwa kye kulyoke kumusaanyewo.

**Vs9-11** Setaani agenda kuwa omuntu w'obujeemu amaanyi gonna agakola ebyamagero, ebyewuunyisa eby'obulimba alimberimbe bangi.

Abo bonna abagenda mu kuzikirira olw'obutali butuukirivu bagenda kukkiriza obulimba obw'engeri ez'enjawulo okuva eri omuntu ow'obujeemu n'abamugoberera era buno bugenda kubongera mu kukyama.

Abantu bano bajeemu kubanga bagaana okukkiriza amazima agalokola era obulimba bugenda kufuuka amazima gaabwe era olw'okugaana amazima ago tebalina bulokozi kubanga beewaayo eri obulimba kye buva bulibasiba eri obulokozi.

Kubanga tebeewaayo eri amazima ga Katonda, Katonda talibataasa mu bulimba era bajja kubukkiriza ne bwe buliba nga bw'amaanyi kwenkana ki.

**Vs12** Abo bonna abaajemera amazima bagenda kubonerezebwa olw'okukkiriza obulimba n'okusanyukira ebitali bya butuukirivu.

Katonda y'atuwa ekisa okwawula amazima ku bulimba era emirundi mingi tuyinza okubuuza lwaki abo abali mu bulimba tebabulaba newaakubadde ng'emirundi mingi bubikkuliddwa.

Obusobozi obwo butuweebwa Katonda kubanga twakkiriza amazima.

Waliwo lwe tuwulira ng'ebigenda mu maaso biyitiridde obubi era nga bangi beebuuza lwaki Katonda abikkiriza okubaawo naye amazima getutalina kwelabira geegano nti byonna waliwo olunaku lwe bijja okusasulirwa.

Yesu Kristo bwe yali asomesa abayigirizwa be ku lunaku lw'okudda kwe mu **Matayo 24** alina bye yawa ebikwatagana n'ebyo ebisomesebwa Pawulo mu kitundu kino.

**Matayo 24**

Mu bufunze buno bwe bubonero obunaalanga okujj kwe;

**Olu 4-14 Obubonero**

- Bangi balijja mu linnya lya Kristo
- Engambo z'entalo

- Amawanga galirwanagana ne gannaago era obwakakabaka bulirwana n’obwakabaka
- Enjala mu  bifo bingi
- Musisi aliyuuguumya ebifo bingi
- Abakkiriza balibonyaabonyezebwa era bangi balisendebwasendebwa okukola ebibi
- Okweryamu enkwe
- Bannabbi ab’obulimba  baliwubisa bangi
- Obujeemu buliyinga obungi
- Okwagala kwa bangi kuliwola

**Olu 15-28 Eky’omuzizo eky’entiisa ekyayogerwa Danyeri**

**<u>Danyeri 9:26-27</u>** ***“N’oluvannyuma lwa wiiki enkaaga mu ebbiri, eyafukibwako amafuta alisalibwako, era taliba na kintu. Abantu ab’omufuzi balijja ne bazikiriza ekibuga n’awatukuvu, n’enkomerero ye erijja ng’amataba, n’entalo era n’okuzika okwalagirwa biryeyongera okutuusa ku nkomerero.***

***(27) Alikola endagaano enywevu n’abantu bangi okumala wiiki emu, naye wakati wa wiiki eyo aliggyawo emikolo gya ssaddaaka n’ebiweebwayo. Ne ku kiwaawaatiro eky’ebyemizizo kulijjirako oyo*** **aleeta okubonaabona*****, okutuusa ekiseera eky’enkomerero ekyalagirwa nga kituukiridde ku ye."***

Mu lulimi omwawandiikirwa ekyawndiikibwa kino “wiiki” kitegeeza ebbanga lya myaka musanvu.

N’olwekyo wakati wa wiiki gy’emyaka esatu n’ekitundu wakati mu ndagaano ey’emyaka omusanvu n’amawanga gonna agenda kwefuulira amawanga era alyoke alagire okusizibwa nga katonda era mu kulaba kino, abamanyi nti teri alina kusinzibwa okujjako Katonda bagenda kumujeemera era wano wewwagenda okutandikira okuyigganyizibwa okunene.

Kino kikwasaganyizibwa ne Okubikkulirwa:

**<u>Okubikkulirwa 13:1-10</u>** ***“Awo ne ndaba ekisolo ekikambwe nga kiva mu nnyanja, nga kirina emitwe musanvu n’amayembe kkumi era nga kirina engule kkumi ku mayembe gaakyo, era ku buli mutwe nga kuwandiikiddwako amannya agavvoola Katonda. (2) Ekisolo ekyo kye nalaba kyali kifaanana ng’engo naye ng’ebigere byakyo biri ng’eby’eddubu, kyokka ng’akamwa kaakyo kali ng’ak’empologoma. Ogusota ne guwa ekisolo ekyo amaanyi gaagwo awamu n’entebe yaakyo ey’obufuzi era n’obuyinza bungi. (3) Awo ogumu ku mitwe gyagwo gwali gufumitiddwa nga gufunye ekiwundu ekyali kigenda okugutta, naye ekiwundu ekyali kigenda okugutta ne kiwona. Ensi yonna ne yeewuunya era abantu ne***

***bagoberera ekisolo ekyo. (4) Ne basinza ogusota olw'okuwa ekisolo ekikambwe obuyinza obwenkaniddaawo, era n'ekisolo ne bakisinza, nga bagamba nti, "Ani akisinga amaanyi era ani ayinza okulwana nakyo?" (5) Awo ekisolo ne kikkirizibwa okwogera ebintu eby'okwegulumiza n'eby'obuvvoozi era ne kiweebwa n'obuyinza okumala emyezi amakumi ana mu ebiri. (6) Ekisolo ne kitandika okuvvoola Katonda n'obutayogera birungi ku linnya lye, ne ku kifo kye mw'abeera, ne kivuma n'abo ababeera mu ggulu. (7) Ne kiweebwa obuyinza okulwanyisa abatukuvu n'okubawangula era n'okufuga buli kika, na buli ggwanga, na buli lulimi, na buli nsi. (8) Era abantu bonna abaaliwo okuva ku kutondebwa kw'ensi, abatawandiikiddwa mu kitabo eky'Obulamu eky'Omwana gw'Endiga eyattibwa balisinza ekisolo ekyo. (9) Alina amatu awulire. (10) Buli ow'okutwalibwa mu busibe wa kusiba. Era buli ow'okuttibwa n'ekitala, wa kuttibwa na kitala. Kubanga awo okugumiikiriza n'okukkiriza kw'abatukuvu we kutegeererwa."***

Bwetubala emyezi amakumi ana mu ebiri (42) ne tugazizaamu kumi na bbiri (12) tufufuna emyaka esatu n'ekitundu (3.5)

- Okubonyaabonyezebwa okunene ennyo
- Bangi bandiddiridde mu kukkiriza naye ennaku ezo zaakendeezebwa olw'abalonde
- Bangi baligamba Kristo ali wano oba wali; ku bano agamba temukkirizanga kubanga okudda kwe tekugenda kuba kwa kyama.
- Bannabbi b'obulimba balijja ne bakola eby'amagero eby'ekitalo

Olu 29-31 Okudda kw'Omwana w'Omuntu/Yesu Kristo

- Ajja kudda ng'okubonyaabonyezebwa okunene kuwedde
- Walibaawo okukungubaga kw'amawanga gonna mu nsi
- Alijjira ku bire mu kitiibwa ekinene
- Alituma ba malayika be okukungaanya abalonde okuvaa mu mpewo ennya ez'ensi

Ng'ajja mu bire n'ejje lye ekisolo ne nnabbi w'obulimba wamu n'abafuzi b'amawanga balikungaana okumulwanyisa naye tegalimuwangula, awo omuntu ow'obujeemu alifuyiibwa n'omukka gw'akamwa ka Kristo era alisuulibwa ne nnabi w'obulimba mu nnyanja eyaka omuliro ne salufa ***(<u>Okubikkulirwa 19:19-21</u>)***

***(*Okubikkulirwa 20:1-3*)*** Setaani alisibwa ku lujegere olunene n'asuulibwa mu bunnya obutakoma omukumala emya 1000.

***(*Okubikkulirwa 20:4*)*** Mu bbanga ery'emyaka 1000 Yesu agenda ku fuga ensi ng'asinziira mu Ssayuuni n'abo abattibwa ku lw'erinnya lye.

***(*Okubikkulirwa 20:7-10*)*** Oluvannyuma lw'emyaka 1000 Setaani ajja kuteebwa okumala akaseera agende ng'alimbalimba ab'omu Googi ne Magoogi/ ensonda ennya ez'ensi. Era ajja kukungaanya amaje okulumba abatukukuvu abali mu kibuga ekyagalwa wabula ejje liryokebwa omuliro oguva mu ggulu ne Setaani alisuulibwa mu nnyanja eyaka omuliro ne salufa awaasuulwa nabbi w'obulimba awamu n'ekisolo.

Olwo nno abafu bonna abali mubifo eby'enjawulo balizuukizibwa ne bayimirira mu maaso g'entebe ey'obwakabaka buli ebitabo ne bibikkulwa buli omu n'asalirwa omusango okusinziira ku byawandiikibwa mu kitabo era buli eyasangibwa ng'erinnya lye teriwandiikiddwa mu kitabo eky'obulamu n'asuulibwa mu nnyanja ey'omuliro. ***(*Okubikkulirwa 20:11-14*)***

Ensi empya n'eggulu eppya bilibikkulwa n'ekibuga ekipya Yerusaalemi ne kissibwa okuva mu ggulu ***(*Okubikkulirirwa 21*)***

Beesiimye abalibeerayo. Tuyitiddwa ffena.

Ebintu bino bitubikkuliriddwa tuleme kubeera mu nsi nga tetumanyi bigenda kubaawo kubanga bwe tumanya tufuna essuubi ly'ebyo ebigenda okujja.

Naye ekisinga obukulu mu byonna buli Yesu lw'asomesa ku biro bwebiti agamba nti mwetegeke, mutunule, kubanga temumanyi biro wadde ebiseera.